



غریب فائدے میں ہے (Luganda)

OBULUNGI BW'OBWAAVU



Presented by
Majlis **Al-Madina-tul-'Ilmiyyah**

Translated into English by
Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)

غریب فائدے میں ہے

Gharīb Fā`iday mayn ḥay

OBULUNGI BW'OBWAAVU

Shaykh-e-Ṭarīqat Amīr-e-Aḥl-e-Sunnat, the founder of Dawat-e-Islami 'Allāmah Maulānā Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi وَامَتْ بَرَكَاتُهُ الْعَالِيَةِ yabuulirira ku 'Ghurbat kī Barakatayn', i.e. *Obulungi bw'obwaavu* mu lulimi olu Urdu mu Ijtimā' eyaliwo ku Lw'okuna, 9th Jumādal Aūlā 1410 AH, 7th December 1989, ku Madanī Markaz eyasookera ddala eya Dawat-e-Islami – 'Jāmi' Masjid Gulzār-e-Ḥabīb' (esaanginbwa mu Gulistān-e-Okārvī Bāb-ul-Madīnāḥ, Karachi). Olw'obuyambi bw'okubuulirira kwe kumu, wamu n'okugatako n'okukyusaamu, akatabo kakunga nyizibwa Majlis Al-Madīna-tul-'Ilmiyyāḥ mu lu Urdu era na kavvuunulwa **Majlis-e-Tarājim** (ekitongole ekivvuunula) mu lulimi Oluganda. Bw'osangamu ensobi yonna mukuvvuunula, tegeeza olukiiko kundagiri eno wammanga n'ekigendererwa ekyokufuna empeera. [Šawāb]

Majlis-e-Tarājim (Dawat-e-Islami)

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran,
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

UAN: ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 1262

Email: ✉ translation@dawateislami.net

Obulungi bw'obwaavu
Enzivvuunula y'Oluganda eya 'Gharib Fa`iday mayn hay'



ALL RIGHTS RESERVED

Copyright © 2015 Maktaba-tul-Madinah

No part of this publication may be reproduced, or transmitted, in any form or by any means, electronic, mechanical, photocopying, recording or otherwise, without the prior written permission of Maktaba-tul-Madinah.

1st Publication: Rabi'-ul-Awwal, 1437 AH – (Jan, 2016)
Publisher: Maktaba-tul-Madinah
Quantity: -
ISBN: -

SPONSORSHIP

Feel free to contact us if you wish to sponsor the printing of a religious book or booklet for the Isal-e-Sawab of your deceased family members.

Maktaba-tul-Madinah

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah Mahallah Saudagran,
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

✉ **Email:** maktabaglobal@dawateislami.net – maktaba@dawateislami.net
☎ **Phone:** +92-21-34921389-93 – 34126999
🌐 **Web:** www.dawateislami.net

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

E Duwa Y'okusoma Ekitabo

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye, إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ:

اللَّهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَانْشُرْ
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ

Okuvvuunula

Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ! owekitiibwa, Tuggulirewo omulyango g'wokum anya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma.

(*Al-Mustatraf*, vol. 1, pp. 40)

N.B: Saalira Nabī ﷺ nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga ojimalirizza.

Transliteration Chart

ء	A/a	ڑ	Ř/ř	ل	L/l
ا	A/a	ز	Z/z	م	M/m
ب	B/b	ژ	X/x	ن	N/n
پ	P/p	س	S/s	و	V/v,
ت	T/t	ش	Sh/sh		W/w
ٹ	Ṭ/ṭ	ص	Ş/ş	ه / ہ / ۀ	Ĥ/ĥ
ث	Š/š	ض	Ḍ/ḍ	ی	Y/y
ج	J/j	ط	Ṭ/ṭ	ے	Y/y
چ	Ch	ظ	Z/z	َ	A/a
ح	H/h	ع	‘	ُ	U/u
خ	Kh/kh	غ	Gh/gh	ِ	I/i
د	D/d	ف	F/f	و مدہ	Ū/ū
ڈ	Ḍ/ḍ	ق	Q/q	ی مدہ	Ī/ī
ذ	Ẓ/ẓ	ك	K/k	ا مدہ	Ā/ā
ر	R/r	گ	G/g		

Tip1:Click on any heading, it will send you to the required page.

Tip2:at inner pages, Click on the Name of the book to get back(here) to contents.



TABLE OF CONTENTS

E Duwa Y'okusoma Ekitabo.....	iii
Transliteration Chart	iii

OBULUNGI BW'OBWAAVU1

Obulungi bwa Ṣalāt-‘Alan-Nabī ﷺ.....	1
Obumativu b'wEmpologoma ya Allah'	2
Omutima omugoonvu	4
Obulungi bw'obwaavu	4
Abaavu n'abetaavu bajjakuyingira eJannah emyaaka bitaano nga abagagga tebannaba	6
Okugumiikiriza n'obwaavu	9
Abagagga banene okusinga abaavu?	10
Kaliifa omwaavu	11
Du'ā y'abanakuwavu	13
Ejjanah ya ba Masākīn	15
Abasinga obungi mu Jannah bajjakubeera baavu	16

Du'ā ya Nabbi Omusaasizi ﷺ n'okwagala kwe eri abaavu	17
Okwagala abaavu ki kusembeza eri Allah عزَّوَجَلَّ	18
Omwaavu ow'addala	18
Engeri y'okujawo obwaavu.....	20
Engeri esingayo mu kufuna emikisa mu nfunayo	22
Eddagala ly'obwaavu	22
Engeri y'okufuna emikisa mu by'enfuna byo.....	23
Ebimuli bya Madanī 14 ebikwaata ku kwambala	27
Endabika ya Madanī.....	31
Du'ā ya 'Attar	31
Enniya (okunuyirira) z'okubuulirira.....	33
Enniya z'okuwuliriza okubuulirira.....	34

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ
 أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

OBULUNGI BW'OBWAAVU *

Newankubade Shaytan ekuteeka okuwulira obugayaavu, soma ekitabo kano okuva kuntaandikwa okutuusa kunkomerero ng'omegga obukodiyo bwa Shaytan. Ojjakufuna mu empeera nyingi n'okumanya ku bulungi bw'obwaavu, إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ

Obulungi bwa Ṣalāt-‘Alan-Nabī ﷺ

Sayyidunā Samurāḥ Suwāyī رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ eyali ttaata wa Sayyidunā Jābir رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ eyali Sahabah w'Omwagalwa Nabbi رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ. Sayyidunā Samurāḥ Suwāyī صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: Twaali tuli mu mbuga entukuvu eya Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ omuntu najja nabuuzwa, ‘Yā Rasūlallāh صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ! Mulimu ki ogusiinga obulungi mu maaso ga Allah عَزَّوَجَلَّ?’ Nabbi Ow'ekitiwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

* Mu Ijtimā' eyaliwo ku Lw'okuna, nga 9th of Jumād al Aūlā 1410 AH, December 7, 1989, Shaykh-e-Ṭarīqat Amīr-e-Ahl-e-Sunnat, Omutandisi wa Dawat-e-Islami 'Allāmah Maulānā Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yabuulirira ku 'Bulungi bw'bwaavu' mu Madanī Markaz eyasookera ddla eya Dawat-e-Islami 'Jāmi' Masjid Gulzār-e-Ḥabīb' (esangibwa mu Gulistān-e-Okārvi Bāb-ul-Madīnāh, Karachi). Akatabo kano kakunganyizibwa n'obuyambi bw'okubuulirira kwekumu n'okugatako wamu n'okukuyasamu.

yaddamu, 'Okwogera amazima n'okutuukiriza Amānaḥ [obwesigwa]' (Eyayogera Ḥadiṣ eno Sayyidunā Samuraḥ Suwāyī رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ) yagamba, 'Yā Rasūlallāḥ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ! Nsaba otuwe ekyokubuulirira ekirala' Ye صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Okukola Ṣikr mu bungi n'okunsomera Ṣalāt kubanga kino ekikolwa kijjawo obwaavu'

(Al-Qaul-ul-Badī', Bāb: 2, pp. 273)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Obumativu b'wEmpologoma ya Allah'

Sayyidunā Suwayd Bin Ghaflāḥ رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba: Lumu nnali mu maaso ga Amīr-ul-Mu'minīn Sayyidunā 'Alī-ul-Murtaḍā كَرَّمَ اللهُ تَعَالَى وَجْهَهُ الْكَرِيمُ mu kibuga kya Kufa. Ye رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yaweebwa omugaati gw'omuwemba (barley) n'ekikopo ky'amata. Omugaati gwaali mukalu nnyo era nga gukaluba era nga ye رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yalina okugumenya oluusi n'engalo ate oluusi ng'aguteeka ku maviivi. Okulaba kino, nabuuzza omukoziwe Fiḍḍāḥ رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهَا, 'Tomusaasira? Omugaati guno mukyaafu, olina okukungunta omuwemba ate mukolere omugaati ogugoonda aleme kufuna buzibu mu kugumenya.' Fiḍḍāḥ كَرَّمَ اللهُ تَعَالَى وَجْهَهُ الْكَرِيمُ yaddamu nti Amīr-ul-Mu'minīn كَرَّمَ اللهُ تَعَالَى وَجْهَهُ الْكَرِيمُ yali amutadde okulayira nti talimukolera mugaati kuva mu muwemba ogukungutiddwa. Tuba tukyaali awo, nga ajjagyendi, Amīr-ul-Mu'minīn كَرَّمَ اللهُ تَعَالَى وَجْهَهُ الْكَرِيمُ nabuuzza, 'Ya

Ibn Ghaflāh! Obadde omugamba ki?’ Nnamubuulira kyennali ngambye omukozi. Nemmala nemmugamba mu buwombeefu, ‘Ya Amīr-ul-Mu`minīn كَرَّمَ اللَّهُ تَعَالَى وَجْهَهُ الْكَرِيمُ! Nkusaba wesaasire era tewebonereza.’

Ye رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yaddamu, ‘Ya Ibn Ghaflāh! Nabbi Ow’emikisa era Omwagalwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ ne famileye tebaalyaako ku mugaati gwa ngano okutuusa okukkuta okumala ennaku ssatu ate omugaati tegubakolerwangako oguvudde mu buwunga obukunguntidwa. Lumu enjala yannuma nnyo nga ndi mu Madīnah Munawwarah, era nengenda okufuna eky’okukola [nsobole okufuna eky’okulya]. Mu kkubo, nasanga omukyaala eyali anoonya omuntu amuyambe okunyika ebifuunfugu by’ebbuumba mu mazzi.

Nayogera naye era nakkiriza okunsasula enteende emu buli bbaketi ey’amazzi ey’okokozesa mu kunyika ebifunfugu by’ettaka. Nayiwa baketi kumi na mukaaga ez’amazzi okutobya ebifunfugu ebyo. Mu kukola kino, nafuna ebiwundu ku ngalo zange. Enteende ezo nnazireetera Nabbi Omwagalwa era Ow’emikisa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ era nemmugamba ekyafaayo kyonna. Nabbi صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yalya ku nteende ezo.’

(Tazkira-tul-Khawāṣ, Bāb: 5, pp. 112; Faizān-e-Sunnat, vol. 1, pp. 369)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ abasaasire era atusonyiwe kulwabwe nga tetubaliddwa!!

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Omutima omugoonvu

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mulabye nti Amīr-ul-Mu'minīn Sayyidunā 'Alī-ul-Murtaḍā كَرَّمَ اللَّهُ تَعَالَى وَجْهَهُ الْكَرِيمُ yali awangaala obulamu obwangu era obw'okutya mungu? Newankubadde yafuna ebizibu, ye رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ teyayogera kigambo kyonna kyakwemulugunya. Nga emmere ye, n'engoyeze nazo zaali nyangu. Lumu ye رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yabuuzibwa kulwaaki yalina ebiraka ku Qamiṣ ye [i.e. ekkaanzu], yaddamu nti, 'يَخْشَعُ الْقَلْبُ وَيَقْتَدِي بِهِ الْمُؤْمِنُ' i.e., *kino [ekikolwa] kigoonza omutima ate omusiraamu akikolerako* (Mu bigambo ebirala, omutima gw'omusiraamu guyina kuba nga mugoonvu).

(Hilya-tul-Awliyā, vol. 1, pp. 124, Raqṁ 254)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Obwaavu kyengera okuva ewa Allah عَزَّوَجَلَّ era bwagalibwa nnyo Omwagalwa Mustafa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ. Bulungi ddala, buleeta obulungi bungi. Emikwaano gya Allah gibwagala nnyo.

Obulungi bw'obwaavu

Sayyidunā Ibrāhīm Bin Bashshār عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْعَقْلُ yagamba: Lumu nnali ntambula ne Sayyidunā Ibrāhīm Bin Adḥam عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَم. Ffeembi twaali tusiibye era nga tetulina kyakusiibulukukirako ku ssaawa Ifṭār. Era tetwalina yadde

ngeri elabwa ey'okutegeka eky'okulya. Nga alabye nti neelaliikiride, Sayyidunā Ibrāhīm Bin Adhām عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْأَكْرَمُ yagamba, 'Ya Ibn-e-Bashshār (عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْعَفَّار)! Nga emikisa mingi era n'ebyokwewunda Allah عَزَّوَجَلَّ byawadde abaavu n'abetaavu kuno ku nsi ne mu Akhira! Ku lunaku lw'enkomerero, tebajja kubuuzibwa ku Zakāh; era tebajja kubuuzibwa ku Hajj, Şadaqaḥ n'okuyisa obulungi ab'enganda n'abalala. Ku ludda olulala, abagagga bajja kubuuzibwa ku bino byonna. Bano abagagga n'abali obulungi ennyo kuno ku nsi bajja kubeera baavu era abetaavu mu Akhira.

Abo abaweebwa ebiteibwa olw'ebiteibwa by'okunsi bajja kunyomebwa mu Akhira. Tonakuwala. Allah عَزَّوَجَلَّ yemugabi wabyonna era ajjakukuwa. Amazima, tuli bagagga nnyo okusiinga abagagga b'oku nsi. Tujja kusanyusibwa nnyo mu Akhira era tujja kufuna obwangu era n'emireembe kuno ku nsi. Okuwonyezebwa ennaku, tetulina nnaku ku ngeri ki gyetunamalamu kumakya kwaffe oba ekiro kyaffe. Akakwakkulizo kokka okufuna omukisa guno kali nti tuteekwa okugoberera Allah عَزَّوَجَلَّ butereevu ddala mu buli mbeera yaffe.'

Nga ayogedde bino, ye رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yataandika okusaala eṢalāh. Nange natandika okusaala e Salah. Oluvanyuma lw'akaseera katono, omuntu eyali asitudda emigaati munaana n'enteende enyingi yajja gyetulwaali nagamba, 'Mbasaba okulya ebintu bino. Nsaba Allah عَزَّوَجَلَّ abasaasire!' Yamala nagenda. Nga

ayogera nange, Sayyidunā Ibrāhīm Bin Adhām عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْكَرِيمُ yagamba, 'Birye'. Nebwetwaali tutandise okulya, omusabirizi yakaaba, 'Mumpe ku mmere ku lw'okusiimibwa kwa Allah عَزَّوَجَلَّ.' Nga awadde emigaati esatu n'enteende eri omusabirizi oyo, Sayyidunā Ibrāhīm Bin Adhām عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْكَرِيمُ yagamba, 'Okuyamba omunakuwavu mpisa y'abakkiriza.'

(Rauḍ-ur-Riyāḥīn, pp. 272)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ abasaasire era atusonyiwe kulwabwe nga tetubaliddwa!!

أَمِينَ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abaavu n'abetaavu bajjakuyingira eJannah emyaaka bitaano nga abagagga tebannaba

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Ekyafaayo ekiyise kiraga nti obwaavu bwa nkizo, era si buzibu. Abaavu ne ba Masākīn bajja kusanyuka nnyo mu Akhira kubanga tebajja kubuuzibwa ku by'okwesiinza ebyetaaza ensiimbi okugeza Zakāh, Fiṭrah, Hajj etc. kubanga bino ebikolwa byatteeka ku basiraamu abagagga bokka abalina omuwendo gw'ensiimbi ogugerekereddwa Shari'ah. Abagagga bwebalibwa mu maaso ga Allah عَزَّوَجَلَّ olw'obugagga bwabwe ku lunaku lw'enko merero, abasiraamu abaavu bajja kuba nga bayingira eJannah

ku lw'okusaasira n'okugera kwa Allah عَزَّوَجَلَّ. Nabwekityo, abaavu n'abetaavu bajja kuyingira eJannah okusooka abagagga. Sayyidunā Abū Hurayrah رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamab nti Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: Abasiraamu abaavu bajja kuyingira eJannah ekitundu ky'olunaku nga abagagga tebannaba, ate (ekitundu ky'olunaku) kijja kubeera (nga kyenkanankana) emyaaka 500.'

(Sunan-ut-Tirmizī, Kitāb-uz-Zuhd, vol. 4, pp. 158, Ḥadīṣ 2361)

Nga anyonyola ensonga nti abaavu bajja kuyingira eJannah emyaaka 500 nga abagagga tebannaba, Ḥakīm-ul-Ummat Muftī Aḥmad Yār Khān Na'imī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ الْعَمِي yagamba: Kimanye nti okuluusibwawo okwo tekujja kubaawo olw'kubalibwa kubanga okubalibwa kw'ensi zonna kujja kukolebwa Allah عَزَّوَجَلَّ mangu nnyo. Kino kijja kuba nga kiruubiriddwa okulaga eddala elyawaggulu ely'abasiraamu abaavu abajja okuteekebwa okuyingira ejannah, naye abagagga ku lemesebwa okutandika okubalibwa. Nga anyonyola 'emyaka 500', Muftī ow'ekitiibwa عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى yagamba: Olunaku lw'enkomerero lujja kumala emyaaka lukumi. Allah عَزَّوَجَلَّ yagamba:

إِنَّ يَوْمًا عِنْدَ رَبِّكَ كَأَنْفِ سَنَةٍ مِّمَّا تَعُدُّونَ ﴿٤٧﴾

Tewali kubuusabuusa, waliwo olunaku ewa Rab wamwe, lu linga emyaaka lukumi mu kubala kwamwe.

[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 17, Sūrah Al-Hajj, verse 47)

Abamu bajja kuwulira nti ebbanga ly'olunaku lw'enkomerero lwa myaaka mitwaalo etaano. Allah عَزَّوَجَلَّ yagamba:

فِي يَوْمٍ كَانَ مِقْدَارُهُ خَمْسِينَ أَلْفَ سَنَةٍ ﴿٢٩﴾

Ekibonerezo kijja kujja ku lunaku olwo, ekyenkana emyaaka mitwaalo ettaano.

[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 29, Sūrah Al-Ma'ārij, verse 4)

Ba Mu`minīn abamu bajja kuwulira nti ekiseera kyalwo kimpi nnyo. Allah عَزَّوَجَلَّ yagamba:

فَذَلِكَ يَوْمٌ مِّمَّا يَوْمٌ عَسِيرٌ ﴿٩﴾ عَلَى الْكَافِرِينَ غَيْرُ يَسِيرٍ ﴿١٠﴾

Olwonno lunaku luzibu nnyo. Sirwangu eri abatakkiriza.

[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 29, Al-Muddaššir, verse 9-10)

Tewali ku kontana wakati wa ayah zino. Kisoboka nti olunaku lw'enkomerero lujja kumala emyaaka mitwaalo etaano naye abamu bajja kuwulira nti lumaze emyaaka lukumi. Abamu bajja kuwulira nti lumaze ebanga limpi nnyo, ate ba Abrār (abalongoofu) bajja kuwulira nti ekiseera kyalwo kiringa Sā'aḥ [i.e. akaseera k'obudde akatono/akampi]. Omuntu amala ekiro nga yebasse bulungi asanga nti ekiro kimpi nnyo naye oyo amala ekiro mu bulumi akisanga nga kiwaanvu nnyo.

(Mirāt-ul-Manājīḥ, vol. 7, pp. 67 – with some changes)

*'Azāb-e-qabr-o-mahshar say bachā lo nār-e-dawzakḥ say
Khudārā sāth lay kay jāo Jannat Yā Rasūlallāh!*

Okuvvuunula: Nkusaba omponye ebibonerezo by'omu ntaana, ku lunaku lw'enkomerero n'omuliro. Ku lwa Owawaggulu **صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم**! Ntwaala mu Jannah, Yā Rasūlallāh **عَزَّوَجَلَّ**!

(Wasāil-e-Bakhshish)

صَلُّوْا عَلَی الْحَبِیْب صَلَّی اللّٰهُ تَعَالٰی عَلَی مُحَمَّد

Okugumiikiriza n'obwaavu

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Oyo omusiraamu omugum iikiriza n'obwaavu yekka yagwaanira emikisa egyo egy'oged dwaako. Oyo omwaavu n'omwetaavu atalina bugumiikiriza era eyebbinkide mu ku kunganya emmaali mu ngeri etakirizibwa oba ey'obukumpanya ate nga awulira ensaalwa n'efutwa eri eby'okwewunda by'abagagga tagwaanira mpeera eno. Bwalaga obutali bugumiikiriza obulala, olwo nno kunyomebwa nabus waavu bye bimusaanira. Nolw'ekyo abaavu n'abetaavu balina okutya Okugera (Pulaani) okwa Allah **عَزَّوَجَلَّ** kubanga bayinza okuyisibwa mu ngeri y'ebizibu bino. Obutagumiikiriza ate n'okwemulugunya, bwebagezaako okujjawo obwaavu obwo n'ebizibu mu ngeri ya Ḥarām, bayinza okumaliriza nga bazikiridde mu Akhira.

Sayyidunā Imām Muḥaddiṣ Ibn Jawzī **عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللّٰهِ الْقَوِي** yagamba, 'Obwaavu bulinga obulwadde. Oyo abulwadde naye nabuyitamu

n'obugumiikiriza ajja kufuna empeera yabwo. Nolw'ekyo abo abetaavu n'abaavu abalina obugumiikiriza n'obwaavu bajja kuyingira eJannah emyaaka 500 nga abagagga tebannaba.

(*Talbīs Iblīs*, pp. 225)

Rahāyn sab shād ghār wālay Shaḥā thoṛī sī rawzī per
‘Aṭā ḥo dawlat-e-ṣabr-o-qanā’ at Yā Rasūlallāh

Okuvvuunula: Nsaba ab'enganda zange babeere bamativu n'ebintu bitono. Tuwe obugagga bw'obugumiikiriza n'bumativu, Yā Rasūlallāh ﷺ. (*Wasāil-e-Bakhshish*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abagagga banene okusinga abaavu?

Sayyidunā Abū Ḥurayrah رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba nti abaavu mu ba Muḥājirīn bajja ewa Nabbi Ow'emikisa era Omwagalwa ﷺ nebagamba n'obuwombeefu: Yā Rasūlallāh ﷺ! Abagagga bafunye amaddaala agawaggulu n'emikisa gy'olubeerera. Nabbi Omuukuvu ﷺ yabuuza, 'Batya?' Baddamu, 'Basaala eṢalāh nga ffe era basiiba nga ffe. Bawaayo Sadaqa naye ffe tetusobola. Bataa abaddu naye ffe tetusobola.'

Nga awulidde bino, Omwagalwa Nabbi ﷺ yagamba, 'Mbasomese ekintu ekijja okubasobozesa okwegatta kw'abo ababali mu maaso ate n'okusingira ddala ababali

emabega? Ate tewali ajja ku kusinga okujjako oyo akola ekintu ekyo nga ggwe.’ Ba Sahaba ab’emikisa رَحِمَى اللّٰهُ تَعَالٰى عَنْهُمْ bagamba, ‘Yā Rasūlallāh صَلَّی اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَیْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم Tukasaba otusomese.’ Ye صَلَّی اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَیْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yagamba, ‘Musome Tasbīh (سُبْحَنَ اللّٰهُ), Tahmīd (اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ) and Takbīr (اَللّٰهُ اَكْبَرُ) emirundi 33 buli kimu, oluvanyuma lwa buli Ṣalāh.’

(Ṣaḥīḥ Muslim, Kitāb-ul-Masājid, pp. 300, Ḥadīṣ 595)

Mayn baykāṛ bātaun say bach kay ḥamayshaḥ

Karūn Tayrī ḥamd-o-ṣanā Yā Ilāhī

Okuvvuunula: Nsaba nneewale okwogera ebitagasa ate nsaba mere nga nkutendereza Ggwe, Owange Katonda wange عَزَّوَجَلَّ.

(Wasāil-e-Bakhshish)

صَلُّوْا عَلَی الْحَبِیْب صَلَّی اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَی مُحَمَّد

Kaliifa omwaavu

Kiwandikiddwa ku lupa 187 elw’ekitabo eky’empapula-590 ‘Ḥaḍrat Sayyidunā ‘Umar Bin ‘Abdul ‘Azīz kī 425 Ḥikāyāt’ ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: Bawala ba Sayyidunā ‘Umar Bin ‘Abdul ‘Azīz رَحِمَى اللّٰهُ تَعَالٰى عَنْهُ bajja gyeyali ku lunaku kwa Eid nebagamba, ‘Omwagalwa Ttaata! Ngoye ki zetugenda okwambala enkya ku Eid?’ Ye رَحِمَى اللّٰهُ تَعَالٰى عَنْهُ yaddamu, ‘Engoye zezimu zemuyambadde kati; muziyoze era muzayambale enkya neera.’

‘Nnedda, omwagalwa ttaata! Tugulire engoye empya’, abawala balemerako. Ye رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba, ‘Bawala bange abagalwa! Eid lwe lunaku lwetusanidde okusinzizaamu era n’okwebaza Allah عَزَّوَجَلَّ; tekyetaagisa kwambala ngoye mpya.’

‘Oli mutuufu, ttaata, naye mikwano gyaffe baja kutujerega nti twambadde engoye zezimu enkadde ne ku lunaku lwa Eid newankubadde tuli bawala baAmīr-ul-Mu`minīn!’ Nga bogedde bino, abawala bataandika okukaaba. Nga awaliriziddwa okwemulugunya kw’abawalabe, Sayyidunā ‘Umar Bin ‘Abdul ‘Azīz رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yayita era nabuuzza omuwaniika amuwe omusaala gwe ogw’omweezi nga tegunnatuuka, naye yagaana okukikola nga agamba, ‘Owekitiibwa! Okakasa nti ojakubeera mulamu mu mwezi omulala?’ Ye رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yebaza era nasabira omuwaniika eyaddayo nga tamuwadde ssente. Ye رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yamala nagamba bawalabe, ‘Bawala bange abagalwa! Mulekereze okwagala kw’emyoyo gyammwe kulw’okusiima kwa Allah صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ ne Rasūl we Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ.’

(Ma’dan-e-Akhlaq, part 1, pp. 257)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ amusaasire era atusonyiwe kululwe nga tetubaliddwa!

أَمِينَ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mu kifo ky'okwemulugunya ku bwaavu, obwetaavu n'ebizibu by'ewaka, tulina okusigala nga tumatira era nga tuli nagumiikiriza n'okugera kwa Allah عَزَّوَجَلَّ ate nga tusuubira okusaasirakwe buli kaseera, nga tugoberera mu bigere by'abalongoofu abatusooka. Era tulina n'okusaba e Du'ā mu bungi ennyo.

Du'ā y'abanakuwavu

Omusajja omu lumu yagamba omulongoofu (Wali) رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ, 'Ndimunakuwavu nnyo kubanga siyinda kubezaawo ba famile yange. Nkwegayiridde nsabira. Omulongoofu رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yaddamu, 'Buli aba famile yo bwebamulugunya nti tebalina mugaati oba mmere kulya, ssaba Allah عَزَّوَجَلَّ mu kaseera ako keniyini, kubanga okusaba mu kaseera ako kwanukulwa.'

(*Rauḍ-ur-Riyāḥīn*, pp. 25)

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Kitegeerekeka, nti abo abalina obwetaavu babeera banakuwavu nnyo, era okusaba kw'oyo omunakuwavu kukkirizibwa. Mu kitabo *Faḍā'il-e-Du'ā* – ekyaful umizibwa Maktaba-tul-Madīnāh, ekitongole ekifulumya ebitabo ekyā Dawat-e-Islami – ttaata ow'ekitiibwa owa A'lā Ḥaḍrat, Raīs-ul-Mutakallimīn 'Allāmah Maulānā Naqī 'Alī Khān رَحْمَةُ الْمَلَأَن yamenya emiteeko gy'abantu okusaba kwabwe okwanukulwa. Abasokera ddala ku lunyiriri be bantu abanak uwavu (i.e aba abanakuwaziddwa olw'ennaku). Nga akinyon yola, Imām-e-Aḥl-e-Sunnat, Maulānā Shāh Imām Aḥmad Razā

Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمَنِ yawnadiika ku lupapula lwelumu, ‘Ayaah emu mu Quran egamba nti okusaba kw’wbanakuwavu n’aba talina buyambi ku kwanukulwa.’

أَمَّنْ يُجِيبُ الْمُضْطَرَّ إِذَا دَعَاهُ وَيَكْشِفُ السُّوءَ

*Oyo ayanukula okusaba kw’omunakuwavu nga amusabye era
ajjawo ebibi*

[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 20, Sūrah An-Naml, verse 62)

(Fadāil-e-Du‘ā, pp. 218)

Abagalwa ab’oluganda abasiraam! Ndayira Allah عَزَّوَجَلَّ! Omwaavu era omunakuwavu nga musiraamu agoberera Sunnah asinga omugagga n’omufuzi owawaggulu. Oyo agondera Allah عَزَّوَجَلَّ ne Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ newankubadde ng’alina obwaavu, endwadde n’ebizibu wamukisa nnyo era ajakuwa ngula mu Akhira.

Zabān per shikwa-e-ranj-o-alam lāyā nahīn kertay

Nabī kay nām laywā gham say ghābrāyā nahīn kertay

*Ennimi tezmulugunya mu nnaku
Abagoberezi ba Nabbi tebanakuwala*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Ejjanah ya ba Masākīn

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Leero, abaagazi n'abanoonyi b'ensi banyooma abaavu, babaziyiza okwetaba mu nkungana zabwe ate babayisa bubi olw'obwavu bwabwe. Naye abasira amu bano abaavu bajjakunyumirwa amaddaala agawaggulu mu Akhirah kulw'okusaasira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ. Ne Ejjanah ejakubenyumirizaamu. Sayyidunā Abū Ĥurayrah رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba nti Nabbi Ow'emikisa era Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: Waaliwo okukaayana wakati w'omuliro ne Jannah. Omuliro gwagamba, 'Mpeereddwa ekitiibwa okuweebwa abo abatulugunya n'abonoonefu.' Jannah yagamba, 'Nze mbadde ki. Abanafu, abatalina buyambi n'abatalina manyi bokka bebaja okunyingira.' Allah عَزَّوَجَلَّ yagamba e Jannah, 'Owange Jannah! Ggwe oli kusaasira kwange. Nga mpisisa mu ggwe njakubeera nekisa eri abaddu bange bemba njagadde.' Oluvan yuma Allah عَزَّوَجَلَّ yagamba Omuliro, 'Owange Muliro! Ggwe oli kibonero kyange. said to Hell, 'O Hell! You are My retribution [i.e. punishment]. Nga mpisiza mu ggwe njakubo nereza abaddu bange bemba njagadde.'

(Ṣaḥīḥ Muslim, Kitāb-ul-Jannah, pp. 1524, Ḥadīṣ 2846)

Ng'anyonyola ekigambo ky'oluwarabbu 'ضَعَفَاءُ' [Du'afā] ekiyo geddwako mu Ḥadīṣ eyo waggulu, Sayyidunā 'Allāmah 'Alī Bin Sulṭān Muhammad Qārī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ الْبَاقِي yagamba: Abanafu wano bategeeza abasiraamu abanafu mu nsiimbi ne mu mubiri.

(Mirqāt-ul-Mafātīḥ, Kitāb-ul-Fitan, vol. 9, pp. 662, Taḥt Al-Ḥadīṣ 5694)

*Tāj-o-takht-o-ḥukūmat mat day, kašrat-e-māl-o-dawlat mat day
Apnī rizā kā day day muzdah, Yā Allah mayrī jḥaulī bhār day*

Okuvvuunula: Ya Allah عَزَّوَجَلَّ! Tompa namulondo, ngule oba nugagga. Wabula, mpa amawulire amalungi ag'okusimibwa kwo, ng'ojjuza ebbakuli yange enkalu gyensabisa.

(Wasāil-e-Bakhshish)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abasinga obungi mu Jannah bajjakubeera baavu

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Ḥadīṣ eyo egumya abaavu n'abetaavu kubanga Allah عَزَّوَجَلَّ ajjakubasaasira, nga abasanyusa n'okuyingira eJannah. Abasinga obungi mu Jnnah bajakubeera abasiraamu abaali bawangadde obulamu bwabwe kuno ku nsi nga baavu era nga bayala. Sayyidunā 'Abdullāh Bin 'Amr رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba nti Omutukuvu Nabbi صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: 'إِطْلَعْتُ فِي الْجَنَّةِ فَرَأَيْتُ أَكْثَرَ أَهْلِهَا الْفُقَرَاءَ' Bwenatuuka mu Jannah, nasanga nti abasinga obungi mu Jnnah be baavu.

(Musnad Aḥmad, Musnad 'Abdullāh Bin 'Abbās, vol. 1, pp. 504, Ḥadīṣ 2086)

*Day ḥusn-e-akhlāq kī dawlat, ker day 'atā ikhlāṣ kī na'mat
Mujḥ ko khazānaḥ day taqwā kā, Yā Allah mayrī jḥaulī bhār day*

Okuvvuunula: Ya Allah عَزَّوَجَلَّ! Mpa obugagga bw'empisa ennungi, emikisa gy'obwesigwa neky'obugagga ky'okukutya, ng'ojuza ebbakuli yange gye'nsabisa. (*Wasāil-e-Bakhshish*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Du'a ya Nabbi Omusaasizi ﷺ n'okwagala kwe eri abaaavu

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Omusiraamu omugu miikiriza awangaala mu bwaavu bwafumiitiriza ku njigiriza y'obusiraamu, ajakulaba nti Ahādīš zinyonyola obulungi bw'obwaavu n'obwetaavu. Abaaavu si bawansi wabula basaanira okwagalibwa. Sayyidunā Abū Sa'id Khudrī رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba: Mwagale ba Masākīn [i.e. abaaavu] kubanga nawulira Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ nga ayatula ebogambo bino mu Du'a ye:

اللَّهُمَّ أَحِبِّيْ مِسْكِيْنَا وَآمَتِيْ مِسْكِيْنَا وَاحْشُرِيْ فِيْ زُمْرَةِ الْمَسَاكِيْنِ

Ayi Allah (عَزَّوَجَلَّ)! Mpangaaza nga ndi mwaavu, nzija mubulamu buno nga ndi mwaavu ate nzuukiza nekibinja ky'abaaavu.

(*Sunan Ibn Mājah, Kitāb-uz-Zuhd, vol. 4, pp. 433, Ḥadīš 4126*)

Ennamula ya Shar'i: Jjukira! Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ bwaba nga yetadde mu ba Masākīn nga alaga obwetowaze mu

maaso ga Allah عَزَّوَجَلَّ, oleo nno kikkirizibwa gyaali. Naye tetukirizibwa era kiri Ḥarām gyetuli okumuyita 'Faqīr ne Miskīn' [i.e. omwaavu]. (*Fatāwā Ahl-e-Sunnat, part 8, pp. 118*)

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Obwaavu bulina emikisa mingi era ne Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yalaga okwagala kwe okubeera mu kibinja ky'abaavu, nga alaga obulungi bw'okubera kwe nabo. Ye صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yalagira abaavu baagalwe, nga bwekiyogeddwa mu Ḥadīṣ eno wansi.

Okwagala abaavu ki kusembeza eri Allah عَزَّوَجَلَّ

Sayyidunā Anas Bin Malik yagamba nti Nabbi Owekitiibwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ ng'ayogera ne Sayyidatunā 'Āishah Ṣiddīqah رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهَا yagamba:

يَا عَائِشَةُ أَحِبِّي الْمَسَاكِينَ وَقَرِّبِيهِمْ فَإِنَّ اللَّهَ يُقَرِّبُكَ يَوْمَ الْقِيَامَةِ

Owange 'Āishah رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهَا! Yagala abaavu. Beteke kumpi nawe Allah عَزَّوَجَلَّ asobole okubeera kumpi nawe ku lunaku kw'enk omerero. (*Mishkāṭ-ul-Maṣābiḥ, Kitāb-ur-Raqāq, vol. 1, pp. 255, Ḥadīṣ 5244*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Omwaavu ow'addala

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Okubeera omwaavu mu by'oku nsi ngeri yakufuna emikisa mu Akhira bwaba nga

omwaavu oyo asigala nga mugumiikiriza. Nolw'ekyo, tonaku wala era tewemulugunya. Ekitiisa ennyo bw'ebwaavu bwa Akhirah era buzibu kinene nnyo. Sayyidunā Abū Ḥurayrah رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba nti Ghayb-knowing Rasūl amanyi Ghayb, Nūr bu bw'eyolefu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ lumu yabuuza ba Sahaba be رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُمْ, 'Mumanyi ani omwaavu?' Baddamu, 'Yā Rasūlallāh صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ! Mu ffe, oyo atalina dirihamu wadde nsiimbi ye mwaavu.' Ye صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Omwaavu mu Ummah yange y'oyo aja okuleetebwa ku lunaku lw'enko merero ne Ṣalāh, okusiiba n'okugaba (mu kitabo kye eky'emi rimu) naye ajakubeera nga yali avumye oba nga awayirizza omuntu bwati, ajakubeera nga yali atute emaali y'omuntu mu bubi era nga ayiye omusaayi gw'omuntu oba nga akubye omuntu bwaati ne bwaati. Nolw'ekyo, bonna bajakuweebwa ekitundu ku mirimu gye emirungi. Emirimu gye emirundi bwegigwaawo nga ebbanja ky'abalala terina sasulwa, ajaku weebwa ebibi by'abantu era asuulibwe mu muliro.'

(*Ṣaḥīḥ Muslim, pp. 1394, Ḥadīṣ 2581*)

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mukankane mu kutya! Mazima, omwaavu y'oyo aja okusigala nga ngalo nsa ku lunaku lw'enkomerero newankubadde nga akoze emirimu emirungi nga Ṣalāh, okusiiba, Hajj, Zakāh, Ṣadaqaḥ, emirimu eg'obugabi n'okuyamba. Kino kiri nti kubanga ajakubeera nga avumye omutnu oba nga awayirizza omuntu oba okumuyikiriza awatali ku kkirizibwa kwa Shar'i oba okuvuma oba okukuba oba okukosa omuntu yenna oba atazzaayo kintu kyeyewoze oba

tasasula ssente zeyewoze okuva ku muntu yenna, abanyiiiza ate abaleetera obulumi mu bulamu bw'ensi. Ku lw'abino, abantu bano bajakutwaala emirimu gye emirungi gyonna. Olwo nno, nga ebibi byabwe biyitiridde nga tebalina birungi, bajakusu ulibwa mu muliro.

Ilāhī! Wāsiṭah daytā hūn mayn mīḥay Madīnay kā

Bachā dunyā kī āfat say, bachā 'uqbā kī āfat say

Okuvvuunula: Owange Katonda wange **عَزَّوَجَلَّ**! Ntaasa ebizibu by'okunsi ne mu Akhirah ku lwa Madīnah empoomerevu.

(Wasāil-e-Bakhshish)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ
تُوبُوا إِلَى اللَّهِ أَسْتَغْفِرُ اللَّهَ
صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Engeri y'okujawo obwaavu

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Muyize nti oyo omwaavu w'emirimu emirungi mu Akhira alabye nnyo. Fenna tulina okufuna endowooza y'okusigala nga tigumiikiriza bwetuba nga tufunye obwaavu, okwetaasa obwaavu bwa Akhira kubanga oyo omwaavu mu Akhira alabye nnyo. Era jjukira nti tewali bubi mu muntu okukozesebwa okufuna omulimu gwawan

galirako ng'obwetaavu bwe bwebulagira aleme kubeera buzibu eri abalala ra abeere nga yeemalira. Okuluubirira okufuna engeri y'obuwangazi ey'omulimu n'okusoma Awrād n'okunuyirira bwekuti kimu ku mize gy'abatusooka abalone goofu.

Sayyidunā Ibn Shīrawayh رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba nti omwaavu era mowetaavu lumu yajja eri Sayyidunā Ma'rūf Karkhī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ الْقَوِي, Walī wa Allah عَزَّوَجَلَّ omunene era amnyiddwa ennyo. Yemulu gunya ku bwaavu bwe. Sayyidunā Ma'rūf Karkhī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ الْقَوِي yagamba, 'Nsaba Allah عَزَّوَجَلَّ akukuumire wansi w'obukuumi bwe n'okutaasa! Ddayo eri famile yo era weyongere okusoma ebigambo: 'مَا شَاءَ اللهُ كَانَ' (Ekyo Allah عَزَّوَجَلَّ ky'ayagadde kibad dewo.)

Omwaavu oyo yayolekera ng'addayo ewakawe nga bw'asoma ebigambo ebyo waggulu. Mu kkubo lye ng'addayo ewaka, yasanga omuntu gweyali tamanyi eyamuwa akasawon'amala nagenda. Omwaavu oyo bweyaggulawo akasawo, yasanga nga kajudde dinaari [i.e ebinusu bya zaabu]. Nga musanyufu nnyo, yakomawo eri Sayyidunā Ma'rūf Karkhī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ الْقَوِي amubuulire ekyafaayo kye. Ng'amulabye, Sayyidunā Ma'rūf Karkhī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ الْقَوِي yagamba, 'Owange muddu wa Allah! Lwaki okomyewo, ng'ate ekyetago kyo kitukiriziddwa? Nsaba Allah عَزَّوَجَلَّ oyo Rahmān akukuumire wansi w'obukuumi bwe n'okutaasa! Ddayo eri famile yo ng'osoma: 'مَا شَاءَ اللهُ كَانَ.'

(‘Uyūn-ul-Hikāyāt, pp. 278)

Tusaba Allah ﷺ afukumuke okusaasira kwe eri ye era kululwe atusonyiwe awatali kubalibwa!

أَمِينَ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Engeri esingayo mu kufuna emikisa mu nfunayo

Sayyidunā Saḥl Bin Sa'd Sā'idī رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba nti lumu omuntu omu yajja eri Nabbi Ow'ekitiibwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ neyemulugunya ku bwaavubwe n'obwetaavu. Nabbi Omwa galwa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Bw'oyingira ewakawo, toola Salām newankubadde temuli muntu yenna. Oluvanyuma nsindikira Salām ate osome قُلْ هُوَ اللَّهُ أَحَدٌ (Sūrah Al-Ikhlāṣ) omulundi gumu.' Omuntu oyo yakola nga bweyalagibwa. Allah ﷺ yamufuula mugagga nnyo era natandika n'okugaba ebintu eri balirwana n'abenganda. (*Al-Qaul-ul-Badī', Bāb: 2, pp. 273*)

Eddagala ly'obwaavu

Kiwandikiddwa ku lupapula 242 olw'ekitabo ky'empapula-448 ekiyitibwa 'Madanī Treasure of Blessings' ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: Omuntu yenna omwaavu oba omwetaavu

bw'asoma 'يَا مَلِكُ' emirundi 90 buli lunaku, ajakuwona obwaavu,
 إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ. (*Madanī Treasure of Blessings*, pp. 242)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Engeri y'okufuna emikisa mu by'enfuna byo

Kiwandikiddwa ku lupapula 128 olw'ekitabo 'Malfūzāt-e-A'lā Ḥaḍrat' ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnāh, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: Sahaba omu (رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ) yajja eri Nabbi Omwagalwa (صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ) nagamba, 'Ensi ekyuukidde.' Ye صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Tewakwaata Tasbīh eyo Tasbīh y'aba angels', ate nga eby'enfuna biweebwa kulw'emikisa gy'ayo? Ensi ejakujja gyoli, nga eswaziddwa. Akaseera ka Fajr bwekaba katandise, soma 'سُبْحَنَ اللَّهُ وَبِحَمْدِهِ سُبْحَنَ اللَّهِ الْعَظِيمِ وَبِحَمْدِهِ أَسْتَغْفِرُ اللَّهَ' emirundi kikumi.'

Oluvannyuma lw'ennaku musanvu, Sahaba y'omu oyo (رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ) yakomawo nagamba, 'Ow'ekitiibwa! Ensi eze gyendi mu bungi era newunya ngironde ntya ate ngitereke ntya [i.e. Nfunye eby'obugagga bingi nnyo ate nsanga obuzibu mu kubirabirira] (*Lisān-ul-Mīzān*, vol. 4, pp. 304, Ḥadīṣ 5100; *Zarqānī 'alal Mawāhib*, vol. 9, pp. 428)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Okuwangaala n'abalon goofu n'okusaba kwabwe bireeta enkyuukakyuuka nnene nnyo. Okusaba obuyambi okuva ku bagalwa abaddu ba Allah عَزَّوَجَلَّ kijjawo ebizibu, okwelalikirira n'ennaku. Ku lw'okusa asira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ, Dawat-e-Islami, ekibiina ky'ensi yonna ekitali kyabyabufuzi ekisomesa Quran ne Sunnaḥ, kiwa omukisa ogw'okuwangaala n'abalongoofu mu muleembe guno. Waliwo abantu bangi ebizibu byabwe n'ebigezo ebyajibwawo olw'emikisa gy'okwegata ku mbeera ya Madanī eya Dawat-e-Islami n'okutambula ne Madanī Qāfilaḥ wamu n'abagazi ba Rasūl. Wano waliwo ekyafaayo ekiva ku lupapula 595 olwa voliyumu esooka ey'ekitabo ky'empapula-1024 ekiyitibwa 'Faizān-e-Sunnat'.

Omulumu mu Karachi Electric Supply Company

Aw'oluganda omusiraamu avunanyizibwa ku mirimu gya Dawat-e-Islami mu Orangi Town Bāb-ul-Madīnaḥ, Karachi yasindika ekiwandiiko, ng'anyonyola engeri gy'eyegata ku mbeera ya Madanī era n'engeri gy'eyafuna mu omulumu kulw'emikisa gya Dawat-e-Islami. Yagamba: Natandika okwetaba mu Ijtimā' y'abuli wiiki eya Dawat-e-Islami kulw'o kuyitibwa ow'oluganda omusiramu mu 2003 naye nail sigen dayo bulijjo. Nali munakuwavu olw'obutabeera na mulimu. Ow'oluganda omusiraamu yankubiriza okwegata ku kkoosi ya Madanī Qāfilaḥ mu Faizān-e-Madīnaḥ, Madanī Markaz ey'ensi

yonna eya Dawat-e-Islami, esangibwa mu Bāb-ul-Madīnah, Karachi.

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Okuwangaala n'abagazi ba Rasūl kyangasa nnyo, nekinsobozesa okulaba ekiruubirirwa ky'obulamu bwange. Bwannamaliriza kkoosi ya Madanī Qāfilah, abamu ku mikwano gyange bantegeeza ku bifo by'emirimu ebyali birangibwa K.E.S.C. (Karachi Electric Supply Company). Nabo baali bawandise amabaluwa agasabayo emirimu era nebansaba okukola kyekimu. Newakubadde nnali sirina ssuubi kufuna mulimu mu gavumeenti olw'obulyaake obungi, okusosola n'enguzi mu bitongole, wabula nasaba omulimu ogwo olw'okulemerako kw'abwe. Natuula ekigezo eky'obuwandiike, nembuuzibwa era nenkebebwa eby'obulamu.

Ekyewunyisa, nze nzekka eyayita buli kigezo newankubade abalala abaali betabyemu baali bamanyiddwa. Ku kigezo ekyasembayo, famile yange yanegayirira okwambala essaati n'empale naye nnali nava ku kwambala engoye ezo ku lw'emikisa gya kkoosi ya Madanī Qāfilah, era nagenda mu kigezo nga nyambadde Shalwār ne Kameez enjeru.

Ofiisa bweyandaba n'enyambalo yange ey'eddiini, yambuuza ebibuuzo ebimu eby'eddiini byenaddamu obulungi kubanga nnali mbiyigide mu kkoosi ya Madanī Qāfilah. اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Nnafuna omulimu ogwo nga tewali nguzi wadde kuwole rezebwa. Famile yange yewunya okulaba emikisa gya kkoosi ya

Madanī Qāfilāh n'embeera ya Madanī, nebafuuka abagazi ba Dawat-e-Islami, **اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ**.

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ Mu kaseera kano, mpeereza Sunnah nga Nigrān mu kifo kyange, nkubiriza abantu okutambula ne Madanī Qāfilāh n'okukolera ku Madanī In'amāt.'

Nawkrī chāhiye, āyiye āyiye

Qāfilay mayn chalayn, Qāfilay mayn chalo

Tangdastī mitay, dūr āfat hatay

Laynay ko barakatayn, Qāfilay mayn chalo

Bwoba ng'oyagala omulimu muganda wange, totambula watali kiruubirirwa

Jangu nga totawaana, tambula ne Madanī Qāfilāh

Okwewala obwaavu n'okujawo ebizibu

Okufuna emikisa emingi, tambula ne Madanī Qāfilāh

صَلُّوْا عَلَی الْحَبِیْب صَلَّی اللّٰهُ تَعَالٰی عَلٰی مُحَمَّد

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Nga maliriza okubuulira kwange, njagala okwogera ku bukungi bwa Sunnah wamu ne Sunan ezimu n'empisa. Nabbi wa Raḥmaḥ, Omuwolerezi wa Ummaḥ, Nanyini Jannaḥ **صَلَّی اللّٰهُ تَعَالٰی عَلَیْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم** yagamba, 'Oyo ayagala eSunnah yange, anjagadde, ate oyo anjagala ajjakubeera nange mu Jannah.' (*Mishkāṭ-ul-Maṣābīḥ, vol. 1, pp. 55, Ḥadīṣ 175*)

صَلُّوْا عَلَی الْحَبِیْب صَلَّی اللّٰهُ تَعَالٰی عَلٰی مُحَمَّد

Ebimuli bya Madanī 14 ebikwaata ku kwambala

Wano waliwo Hadithi ssatu eza Nabbi ﷺ:

1. Okubikirirwa wakati w'amaaso g'amajjini ate nga Satr y'abantu kwe kusoma بِسْمِ اللَّهِ omuntu yenna bwaba nga agenda kweyambula engoyeze.' (*Al-Mu'jam-ul-Awsat*, vol. 2, pp. 59, *Ḥadīṣ* 2504)

Omukenkufu mu kunyonyola amanyiddwa ennyo, Ḥakīm-ul-Ummat, Muftī Aḥmad Yār Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْكَثَائِن yagamba, 'Nga ekiseenge oba olutimbe bwebikola nga As a wall or a curtain serves as a barrier to the sight of people, this Ḍikr of Allah عَزَّوَجَلَّ will serve as a barrier to the sight of jinns, preventing them from seeing private parts.

(*Mirāt-ul-Manājīḥ*, vol. 1, pp. 268)

2. Oya ayambala engoye nasoma:

الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي كَسَانِي هَذَا وَرَزَقْنِيهِ مِنْ غَيْرِ حَوْلٍ مِثِّي وَلَا قُوَّةٍ¹

Ebibi bye ebyasooka n'ebyomu maaso bijakusonyiyizibwa.

(*Shu'ab-ul-Īmān*, vol. 5, pp. 181, *Ḥadīṣ* 6285)

¹ Okuvvuunula: Amateendo gonna ga Allah (عَزَّوَجَلَّ) eyampa olugoye luno okulwambala ate nalumpa awatali manyi gange.

3. Newankubadde omuntu alina obusobozi okwambala engoye enungi, bwaba nga azawaze olw'obwetuwaze, Allah عَزَّوَجَلَّ ajakumuteeka okwambala ekyambalo kya Karāmāh [enyambala y'omu Jannah].’ (*Sunan Abī Dāwūd*, vol. 4, pp. 326, Ḥadīṣ 4778)
4. Engoye entukuvu eza Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ zaali nga njeru. (*Kashf-ul-Iltibās fis-Tiḥbāb-il-Libās*, pp. 36)
5. Engoye zirina okufunibwa mu ngeri ya Ḥalāl. Teri Ṣalāh, yadde ya Farḍ oba Nafl, ekirizibwa nga esaliddwa mu ngoye ezifuniddwa n’ebyenfuna ebya Ḥarām.
(*Kashf-ul-Iltibās fis-Tiḥbāb-il-Libās*, pp. 41)
6. Kigambiddwa, ‘Oyo asiba ekitambaala kye nga atudde, oba ayambala empale ze nga ayimiridde, Allah عَزَّوَجَلَّ ajakumugezesa obulwadde obutawonyezebwa.’
(*Kashf-ul-Iltibās fis-Tiḥbāb-il-Libās*, pp. 39)
7. Ttaandika okwambala engoye ku ludda olwa ddiyo. Okugeza, bwooba nga oyambala Kurtā (ekkkaanzu), teeka omukono gwa ddiyo mu mukono gwa ddiyo ogw’olugoye olw ozzeeko omukono gwo ogwa kkono mu mukono gwa kkono ogw’olugoye. (*Kashf-ul-Iltibās fis-Tiḥbāb-il-Libās*, pp. 43)
8. Mu ngeri y’emu, bwaoba nga oyambala empale, sooka oteeka okugulu kwo okwa ddiyo mu kugulu kw’epala okwa ddiyo olwo nno ozzeeko okwa kkono mu kugulu

kw'empale okwa kkono. Bwooba nga ojjamu engoyezo, kola ekyenyume, i.e. tandika ne kkono.

9. Kiwandikiddwa ku lupapula 409 olwa voliyumu 3rd ey'ekitabo ky'empapula-1197 *Baĥār-e-Sharī'at*, ekyafulu mizibwa Maktaba-tul-Madīnaĥ, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: Kya Sunnaĥ nti obuwaanvu bwa Kurtā bubeere nga bukoma wakati w'entuumbwe, luta lwangalo lumu. (*Rad-dul-Muĥtār*, vol. 9, pp. 579)
10. Kya Sunnaĥ abasajja okuteeka empale zabwe (Taĥband) waggulu w'obukongovvule. (*Mirāt-ul-Manājīĥ*, vol. 6, pp. 94)
11. Abaami balina okwambala engoye z'abaami ate abakyaala bayambale engoye z'abakyaala. Wegendereze mu ngeri y'emu mu kwambaza abaana abato.
12. Kiwandikiddwa ku lupapula 481 olwa voliyumu esooka ey'ekitabo ky'emapula – 1250 *Baĥār-e-Sharī'at*, ekyafulu mizibwa Maktaba-tul-Madīnaĥ, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: Kiri Fard eri abaami okubikka ekitundu ky'omubiri gwabwe okuva wansi w'ekkuundi okutuusa wansi katono aw'amaviivi. Ekkuundi teritered dwa mu mu Satr naye amaviivi mwegali. (*Durr-e-Mukhtār*, *Rad-dul-Muĥtār*, vol. 2, pp. 93)

Ennaku zino, abantu bangi bayambala empale wansi w'ekkuundi mu ngeri nti ekitundu kya wansi w'ekkuundi

kiragibwa. Mu ngeri eno, bweba nga Kurtā etc. ebikka ekifo ekyo langi w'olusus talabika, olwo nno kale, awatali ekyo kiri Ḥarām. Ekitundu kya kwoota ku kitundu kino bwekirekebwa nga kirabwa mu Ṣalāḥ, eṢalāḥ tejjakuki rizibwa. (*Bahār-e-Sharī'at*)

(Oyo ayambadde Iḥrām ya Hajj oba 'Umrah alina okwegenderaze ennyo ku kino)

13. Ennaku zino, abantu bangi batambula nga bayambadde empale enyimpi, nga balaga amaviivi wamu n'ebisambi byabwe. Kino kiri Ḥarām. Okutunula ku maviivi n'ebisambi ebiragibwa eby'abantu bano nakyo kiri Ḥarām. Ku lubal ama lw'amayanja, ebifo wabazanyira ne webakajuliza bitera okubeera n'ebirabwa ebyo. Nolw'ekyo, olina okwegen deraza ennyo bw'oba nga olina olugenda mu bifo ebyo.
14. Okwambala engoye eziraga okweraga tekikirizibwa. Bwaba afuuse eyekuluntaza oba nedda kiyinza okumanyibwa mu kulowooza ku mbeera [i.e. ey'endowooza n'enneeyisa]. Omuntu bwaba nga alina embeera y'emu ng'amaze okwambala engoye nga gyeabaddemu nga tannaba kwambala, kiraga nti tafuuse mwekuluntaza. Bweeba nga emeera esoose tekyaaliwo, kino kiraga nti afuuse mwekuluntaza. Nolw'ekyo, alina okwewala okwambala engoye ezo kubanga okwekuluntaza muze mubi nnyo. (*Bahār-e-Sharī'at*, vol. 3, pp. 409; *Rad-dul-Muḥtār*, vol. 9, pp. 579) (*163 Madanī Phūl*, pp. 20)

Endabika ya Madanī

Endabika ya Madanī erimu okukuza ekirevu, okubeera n'enviiri ez'omu Sunnah, okwambala ekitambaala ekyakiragala ekitan gaala, okwambala Kurtā enjeru okutuusa wakati w'entum bwe mu buwanvu ng'ogoberera Sunnah n'emikono gya Kurta egy'obugazi okumala oluta lumu olw'engalo, okuteeka Miswāk elabibwa obulungi mu nsawo ey'omu maaso kumpi n'omutima era n'okuteka empale ebeere waggulu w'obukongovvule. (Bw'oba n'ekibikako eky'eeru waggulu w'omutwe n'ekyakitaka eky'oku kolera ku kwebikirira okw'omunda w'okwebikirira, kirungi nnyo nyini ddala!)

Du'ā ya 'Attar

Ya Allah **عَزَّوَجَلَّ**! Mpa nze n'aboluganda abo bonna abasiraamu abekwata ku ndabika ya Madanī, okufa ng'omujulizi (Shahadat) wansi w'ekisikirize ky'Ekiyitirwa ekya Kiragala, okuziikibwa mu Jannat-ul-Baqī', n'okubeera kumpi ne Nabbi wo Omwagalwa era Ow'emikisa **صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ** mu Jannat-ul-Firdaus. Ya Allah **عَزَّوَجَلَّ**! Sonyiwa Ummah yonna.

أَمِينَ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

*Un kā dīwānaḥ 'Imāmaḥ aur zulf-o-rīsh mayn
Lag rahā ḥay Madanī ḥulyay mayn kitnā shāndār*

Okuvvuunula: Omwagaziwe ayambadde ekitambaala era nga alina enviiri ez'omu Sunnah (Zulfayn) wamu n'ekirevu afaanana bulungi nnyo mu ndabika ya Madanī.

Okuyiga Sunnah, soma ebitabo ebibiri ebyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah, 'Bahār-e-Sharī'at (Ekitundu 16)', ekirina empapula 312, ne 'Sunnatayn aur Ādāb', ekirina empapula 120. Engeri esingayo obulungi mu kufuna okumanya kwa Sunnah kwe kutambula ne Madanī Qāfilah za Dawat-e-Islami mu kinywi ky'abagazi ba Nabbi.

Sikhñay sunnatayn Qāfilay mayn chalo

Lūtnay rahmatayn Qāfilay mayn chalo

Ĥaun gī ḥal mushkilayn Qāfilay mayn chalo

Pāo gey barakatayn Qāfilay mayn chalo

Okuyiga Sunnah, tambula ne Qāfilah

Okufuna emiksa emingi, tambula ne Qāfilah

Ebizibu byo bijjakumalibwa, tambula ne Qāfilah

Ojjakufuna emikisa eminene, tambula ne Qāfilah

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ



Enniya (okunuyirira) z'okubuulirira

- ❖ Nja kuteeka abawulirize okusoma Salām ne Ṣalāt-‘Alan-Nabī wamu ne ‘Hamd ne Ṣalāt’ ezisomebwa mu mbeera ya Madanī.
- ❖ Nga nyinyonyola obulungi bwa Ṣalāt-‘Alan-Nabī, nja kugamba ‘صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ!’. Mu ngeri eno, sija kukoma ku kusoma Ṣalāt-‘Alan-Nabī kwokka naye njakuba nga ntade n’abalala okugisoma.
- ❖ Njakubuulirira nga nsoma okuva mu kitabo ky’omu manyi omu Sunnī.
- ❖ Njakukolera ku kiragiyo kya Quran Entukuvu ekiri mu ayaah 125 eya Sūrah An-Nahl, Juz 14:

أَدْعُ إِلَى سَبِيلِ رَبِّكَ بِالْحُكْمَةِ وَالنُّوعِ عِظَةِ الْحَسَنَةِ

(Yita eri ekkubo lya Rab wo n’okweteekateeka okulungi wamu n’okubuulirira okulungi)¹

Njakugoberera Ḥadīṣ y’Omwagala era Ow’emikisa Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ enyonyoddwa mu Ṣaḥīḥ Bukhārī (*Ḥadīṣ 3461*), بَلِّغُوا عَنِّي وَلَوْ آيَةً, i.e., *somesa okuva ku nze newanku badde ayah emu.*

¹ Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)

Njakuyita abantu eri obulongoofu ate nga mbaziyiza ebibi.

- ❖ Bwemba nga nsoma ebitoontome oba okwogera ebigambo bya Oluwarabbu oba Olungereza oba ebigambao byonna ebikaluba, njatutunuulira obwesimbu obuli mu mutima gwange. Kitegeeza nti, njakwewala ebigambo ng'ebyo etc., n'okunuyirira kw'okusanyusa abawulirize n'okumanya kwange.
- ❖ Njakukubiriza abawulirize okutambula ne Madanī Qāfilāh, okukolera ku Madanī In'āmāt ate n'okwetaba mu 'kuyita eri obulongoofu'.

(Secret of Earning More Reward, pp. 40)

Enniya z'okuwuliriza okubuulirira

(Abalabi ba Madanī Channel nabo basobola okukola okunuyirira mu ngeri nyingi nga zino wamanga bwekisoboka.)

- ❖ Njakuwuliriza okubuulirira nga nzikakanyiza amaaso gange.
- ❖ Mu kifo ky'okutuula nga nesigamye ku kisenge etc., njakutuula ng'ebigere byange mbifunyiza wansi wange [nga mu kutuula kwa Qa'dāh mu Salah] nga bwensobola n'okunuyirira okw'okuwa ekitiibwa eri okumanya kw'eddiini.

- ❖ Bwekiba kyetaagisa, njakuseetuka okulekerera abala akabanga ak'okutuulamu nga nsembera mu maaso oba mu ngeri yonna esanidde.
- ❖ Omuntu bwansindika, njakubeera mugumiikiriza era njakwewala okumutunuulira, okukayana oba okuwakana naye.
- ❖ Bwempulira **تُوبُوا إِلَى اللَّهِ، اذْكُرُوا اللَّهَ، صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ** etc., njakuddamu mulwaatu n'okunuyirira okw'okufuna empeera n'okusanyusa oyo aba ayatude.
- ❖ Oluvanyuma lw'okubuulirira, nze sekinnoomu njakusisinkana abantu abalala, njakubatoollera Salām, okubuzaganya n'engalo, era n'okukola kawefube wa sekinnoomu.

(Secret of Earning More Reward, pp. 42)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعَالَمِيْنَ وَالصَّلٰوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِيْنَ اَقَامَتْهُ فَاَعُوْذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيْمِ بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ

CURE FOR DEPRIVATION AND FEAR

Hujjat-ul-Islam Sayyidunā Imām Muhammad Bin **Muhammad Ghazālī** عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللّٰهِ الرَّحِيْمِ has stated: One should recite Sūrah Al-Ikhlās and Sūrah Quraysh after he has eaten the meal.

(Ihyā-ul-'Ulūm, vol. 2, pp. 8)

Commenting on it, 'Allāmah Sayyid **Murtadā Zabīdī** عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللّٰهِ الرَّحِيْمِ has stated: Reciting Sūrah Al-Ikhlās after the meal brings blessings and removes deprivation, whereas reciting Sūrah Quraysh protects against fear and hunger.

(Derived from: Ithāf-us-Sādat-il-Muttaqīn, vol. 5, pp. 599)



MC 1286

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan.

UAN: +92 21 111 25 26 92 | Ext: 1262

Web: www.dawateislami.net | E-mail: translation@dawateislami.net